## AB'E KYENGERA BALAAJANA LWA NKIMA EZIBALUMA

ABATUUZE mu Kisozi A cell e Buddo mu Kyengera Town Council, bazzeemu okuwanjagira ab'ekitongole ky'ebisolo eby'omu nsiko, okubataasa olw'enkima ezifuuse ez'obulabe. Gye buvuddeko, enkima zino zaaluma abantu omuli n'abaana ne batwalibwa mu malwaliro okujjanjabwa. Kigambibwa nti ziwalampa ku mayumba ne ku bikomera era zibba n'ebyokulya.